Head Office:
Plot 67 – 75
Clement Hill Road
KAMPALA
E-mail: exdir@unma.go.ug

Tel: +256 414 251798
Fax: +256 414 251797
P.O. Box 7025
KAMPALA
Website: *www.unma.go.ug*

UGANDA NATIONAL METEOROLOGICAL AUTHORITY

LUGANDA

ENKUBA NGA BWEGENDA OKUBA MU MWEZI GWOKUSATU OKUTUUSA MUGWOKUTAANO 2016

MU BITUNDU BYABUGANDA, MUBUGWANJUBA NOBUVANJUBA BWE NYANJA NALUBAALE

1) **EKITUNDU KYOBUGWANJUBA BWABUGANDA.**

Muno mulimu distulikiti okuli Nakasongola, Luwero, Kyankwanzi, Nakaseke, Kiboga, Mubende, Sembabule, Masaka, Lyantonde ne Rakai

Ekitundu kino kaakano kifuna enkuba eyolumaggamagga nga kwotadde ne kibuyaga owamaanyi nomuzira wabula nga bino byakugenda mumaaso okutuukira ddala wakati mumwezi gwokusatu, enkuba ennyingi wesuubirwa okutandikira.

Enkuba esuubirwa okunyinyitiranga eyo wakati wogwokuna wabula nga omusana gusuubirwa okutaataaganya sezoni yenkuba eno mukitundu kino.

Wakati mumwezi gwokutaano enkuba esuubirwa okukeendeerera ddala eggweyo nga mugwomukaaga 2016 nga gutandika oba wakati wagwo

Okutwaliza awamu emikisa gyekitundu kino okufuna enkuba eyekigero giri waggulu.

2) **EKITUNDU KYOBUVANJUBA BWABUGANDA**.

Muno mulimu distulikiti nga; Mukono,Buikwe,Kayunga ne Buvuma.

Mukiseera kino ekitundu kifuna enkuba entonotono wamu nokubwatuka kweggulu nomuzira, eranga byebisuubirwa okutandika sizoni yenkuba eno.

Enkuba esuubirwa okufudemba nga mugwokuna 2016 nga gutandika oba wakati wagwo, noluvanyuma esuubirwa okukendeera ate nga bwekomekkerera nga mugwomukaaga 2016 nga gutandika okutuuka wakati wagwo.

Sizoni yenkuba eno esuubirwa okutaataaganyizibwamu omusana omutonotono.Okutwaliza awamu ekitunndu kino kisuubirwa okufuna enkuba eyekigero.

3) EBITUNDU BYAMASEKKATI NOBUGWANJUBA BWENYANJA NALUBAALE.

Muno mulimu distulikiti nga; Kalangala,Kampala,Wakiso,Eastern Masaka, Lwengo, Mpigi, Butambala, Kalungu, Bukomansimbi, Gombe ne Mityana

Mukiseera kino ebitundu bino bifuna olukubakuba olusuubirwa okweyongerayo okutuusa wakati womwezi ogwokusatu olwo enkuba enyingi eyiike.

Enkuba ya sizoni eno mukitundu kino yakubaamu embuyaga emenya ne miti nomuzira oluvanyuma ejjakunyinyitira awo nga wakati mugwokuna.

Okutwaliza awamu emikisa gyekitundu kino okufuna enkuba eyekigero giri waggulu

OKUWABULA

Enkuba eno eteberezebwa, yetaaga okuwa obudde obumala munkola ennungamu okusobola okukozesa obulungi obubaka buno.

Entebereza yembeera yobudde eno erina okukozesebwa mu nteekateeka yemirimu gyonna egyekuusa kunkuba okusobola okutumbula amaka nembeera zabantu mubitundu byonna muggwanga.

Ekitongole ki Uganda National Meteorological Authority nga kino kyekivunaanyizibwa ku nteberza yobudde eno kyakwongera okugoberera enkyukakyuka zonna olwo kikole okuwabula nokuwa obubaka eri abo abeyambisa entebereza yobudde eno bulijjo